**29th July 2018.**

# YESU KRISTO KABONA OMUKULU OW'ENDAGAANO EMPYA.

**Abaebbulaniya 8.**

Mu kitabo kyaffe eky'ebbaluwa eri Abaebbulaniya, obwakabona obukulu bwa Yesu Kristo mukama waffe bwe businga okusosowazibwa nga bwe kirabiddwa okuva mu ssuula 2 okutuusa mw'eno ey'omunaana, era bwe kinaaba okutuusa mu y'ekkumi.
Mu ssuula yaffe eya leero, ekyagambwa mu 7:22 nti "Yesu kyeyava afuuka omuyima w'endagaano esinga obulungi." Kilambululwa mu kwanjulwa kw'endagaano eyo empya, abasinga osanga gye balowooza obulowooza ng'ebitabo mu Baibuli okuva ku Matayo okutuuka ku Kubikkulirwa.
Endagaano, nga bwe kiri mu bwangu bye bigambo ebitwaalwa ng'amateeka okusinziirwa entabagana wakati w'abo bye kikwaatako.
Bangi ku ffe tukola n'endagaano ze tutategeera oba n'olundi ze tutategeeza…..bwe batuwa okussa omukono ku biwandiiko nga tetubisomyeemu ne tussaako bussa ekinkumu oba 'signature'. N'ate wabaawo n'ezo ezikolwa ku lw'abalala olw'obuyinza abazikola bwe balina ku bbo. Naye nga mu bufunze biba bigambo by'ebiragiro, oba ebisuubizo okusinziirwa entabagana (relationship).

Tusome nny.1 - 5……….
Tuzze tukiraba nti Abayudaaya/Abaebbulaniya baali bamatizibwa nti emikolo gy'omuyeekaalu gyaali tegikyaabagasa olw'obulokozi bwe baalina okunyweeza mu kukkiririza mu Yesu Kristo. Era ekiseera tekyaalwa nnyo, Yekaalu n'ezikirizibwaawo, era nga Yesu bwe yali agambye abayigirizwa be ne wataba jjinja lisigala ku linnaalyo. Kaakano bali mu nteekateeka gizzaawo, mu bujeemu kyokka era okutuukiriza obunabbi bw'ebiro by'enkomerero.
Lnny.1….

Lnny.6….

Lnny.7 -13……
Yeremiya 31:31-34….

Abaggalatiya 3:26-29….. “Kubanga kaakano mwenna muli baana ba Katonda olw’okukkiriza Yesu Kristo, kubanga abaabatizibwa bonna mu Kristo, baayambala Kristo. Tewakyali kusosola wakati wa Muyudaaya na Muyonaani, wakati wa muddu na wa ddembe, wakati wa musajja na mukazi, kubanga mwenna muli omu mu Kristo Yesu. Kale kaakano nga bwe muli aba Kristo, muli zadde lya Ibulayimu, ng’ekisuubizo ky’abasika bwe kiri.”

Mwe tubeerera abasika b’endagaano y’emu, wadde tetuli Bayudaaya, kwe kuba n’ekisuubizo ekiriko n’emikisa gy’obukakafu bwakyo bw’okuweebwa, era okujjuzibwa Omwoyo wa Mukama, oyo atuweebwa ng’envumbo y’obulokozi bwaffe obw’olubeerera.

N’olw’ekyo leero tulaba nga Yesu Kristo takoma bukomi kuba Kabona mu lubu lwa Merukizeddeeki olw’obwakabaka ow’obutuukirivu era ow’emirembe, wabula n’okuba ye Kabona w’endagaano empya esinga ku nkadde kuba yadibya enkadde.